Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) egonjolamuby'okugabana

# Layisensi mukaaga ezigonjola mukugabana ebikoleddwa

creative commons

Wadde nga Omutimbagano gwa kalimagezi gugonjoola engeri y'okugabana n'okukulakunya obuvumbuzi bwemirimu oba ebyo ebiba bivumbuddwa omuntu yenna, ebiseera ebisinga, amateeka kino gakifuula kizibu nnyo.

Buli lw'okuba ekifaananyi, n'oteeka oluyimba ku lutambi, n'owandiika akatabo, oba n'oteeka ekiwandiiko kyonna ku mutimbagano gwa kalimagezi, emirimu egyo mu mateeka g'obwananyini giba gifuuse gyakusooka kusabirwa lukusa eri oyo ayagala okugiganyulwamu.

Ebiseera ebisinga kino kitegeeza nti teri muntu yenna ayinza kukozesa oba okuteekamu ebiyiiye ebirala nga tasabye lukusa.

Ekyebuuzibwa nti ate bwoba wandyagadde abalala bakozese emirimu gyo nga tebakusabye lukusa?

Awonno kuliyetivu komonizi layisensi wekuyambira anti yo esobozesa abantu abalala okukozesa n'okusitula omutindo gw'ebiyiiye byo butereevu nga tebakusabye lukusa.

Enkola eno eya Kuliyetivu Komonizi Layisensi ekulekerawo omwagaanya okusobola okusalawo kyenkana ki oyo aba akozesa emirimu gyo waba alina okukoma era nga tekyetagisa kusooka ku kusaba lukusa buli lwaba ayagala okukozesa emirimu gyo.

Layisensi zaffe **ez'obwereere ate era enyangu okukozessa**, zissawo engeri esobozessa abantu okukozeseza awamu kyona kyoba oyiiyiza ku bukwakulizo bwosalawo gwe nga nanyini. Layisensi eno ekuwa olukusa okukyusa eddembe ly'obwananyini okuva ku "eddembe lyo'bwananyini lisigaziddwa" okutuuka ku "eddembe lyo'bwonannyini erimu lisigaziddwa".

Layisensi ka Kuliyetivu Komonizi tezigyawo bwa nannyini kubiyiiye nga bwekiri mu mateeka wabula zikukkiriza okuwa abalala obuyinza okukozesa ebiyiiye byo nga ate werekedde obuyinza obumu kubyo.

Tukolaganide wamu n'abakugu mu byobwananyini mu nsi ez'enjawulo okusobozesa layisensi zaffe okukozesebwa mu nsi zonna.

Bwoba nga ononya eby'okukozesa eby'obwerere ate nga tomenye mateeka, waliwo ebiyiye ebirina layisensi kuliyetivu komonizi binji byoyinza okukozesa. Waliwo bukadde na bukadde bw'ebikoledwa — okuva kunnyimba n'entimbe za sineema mpaka ku bya sayansi ne byokozesa mu kusoma — eby'obwerere mu mateeka nemunkola za layisensi zaffe, ate nga bangi bongerako buli lukedde.

## Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) ky'ekyi?

Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) kitongole ekiri ku ddala ly'ensi yonna ekyobwanakyewa ekyewaayo mubumaliririvu okutumbula okumanyisibwa okuyitira kumitimbagano gy'ebyuma bikalimagezi okutali kusasulire, okuwagira okukozeseza, awamu n'enkola eyokugabana ewatali bukwakkulizo amagezi agensusso eri buli muntu yenna.

Layinsensi zaffe zino ziwa gwe omuyiiya engeri enyangu ey'okuwa olussa abantu abalala ebiyiiye byo. — ate nga obukwakulizo gw'abwesizzawo. Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) layisensi ekukkiriza okukyusa enkola y'eddembe y'obwanannyini okuva ku "eddembe lyo'bwananyini lisigazidwa" okutuuka ku "eddembe lyo'bwonannyini erimu lisigaziddwa".

Enkuyanja z'abantu bakozesa Layisensi zino eza kuliyetivu komonizi mungeri ez'enjawulo ate emanyifu.Bwokozesa Kuliyetivu komonizi layisensi osobola okulaga abalala ebifaananyi eby'enjawulo oba obuwandiike kumutimbagano gw'ebyempuliziganya ate nga kyoba oyiiyiza kiteekebwa ku mukutu gwe gumu n'abalala munsi yonna gwebakozessa okufuna ebiyiiye eby'enjawulo omuli emirimu gy'abakubi b'ebifananyi, abasomesa, banasayansi ne gavumenti ez'enjawulo.

Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) e kusobozesa obutasaba lussa singa omuyiiya aba akozeseza ekyapa kino CCO — bonna bakozese.

creative commons

## **Eddaala erisooka (1):** Londa obubonero bwa layisensi

**Kyangu nnyo okufulumya ebiyiiye byo ng'okozesa layisensi za kuliyetivu komonizi. Ekisooka, londa obukwakulizo bwewandyagadde okukozesa ku biyiiye byo.**

**Okujuliza**
Layisensi za kuliyetivu komonizi zonna zeetagisa abalala bonna abababa bakozeseza emirimo gyo okukiraga nga bw'oba osabye, naye simungeri eraga nti obakiririzamu oba bye baba bakozeseza. Bwe baba baagala okukozesa emirimu gyo nga tebakusiimye oba okulaga nti obakiririzamu, balina okukusaba okulukusa.

**laga obwananyini**
Owa abalala olukussa okukoppa ebiyiiye byo,okubigaba,okwolesa, bolese katemba nate era basituule omutindo gw'ebiyiiye byo, kasita ba bigabirra mu enkola ekirizidwa. Bwe ba bagala okugabana ebiyiiye byo ebikyusiddwamu omutindo mu nkola endala, balina okusaba olukusa.

**Tokyusa mumutindo**
Owa abalala olussa okukoppa, okugaba, okwolesa, n'okuzannya katemba mubiyiiye byo ebyasooka. Bwe baba baagala osituula omutindo gw'ebiyiiye byo, balina okusaba olukusa.

**Ssibyakutunda**
Owa abalala olukusa okukoppa ebiyiiye byo, okubigabira abalala, obakkiriza okwolesa katemba wamu n'okusitula omutindo gw'ebiyiiye byo, (mposi nga toyagadde kukyusa mutindo) nate era bakozese ebiyiiye byo ku buli kyebaagadde naye nga tebakirizibwa kubitunda mposi nga ba kusabye olukusa.

## **Eddaala ery'okubiri (2):** Funa layisensi

**Okusinzira ku kusalawo kwo, oja kufuna layinsensi e kulaga engeri abantu abala bwe banakozesaamu ebiyiiye byo.**

**Okujuliza**
CC BY

**Okujuliza — ng'ate olaga obwanannyini mukugabanya**
CC BY-SA

**Okujuliza — tokyusa mumutindo**
CC BY-ND

**Okujuliza — Ssibyakutunda**
CC BY-NC

**Okujuliza — ssibyakutunda nfuna — laga obwanannyini mu kugabanya**
CC BY-NC-SA

**Okujuliza — ssibyakutunda — tokyusa mumutindo**
CC BY-NC-ND